**21st June 2015.**

# YESU KRISTO KY'EKITANGAALA KY'ENSI.

**Yokaana 8:1 – 29.**

Olukalo lwa Africa, lwaalwa nga luyitibwa “Olukalo lw’ekizikiza”(The Dark Continent), ndowooza olw’obutamanya ku kyayitibwanga “Ekitangaala Ky’enjiri”, eyaleetwa abazungu, awamu n’okuyigirizibwa okusoma n’okuwandiika, - eby’engigiriza, n’enkulaakulana ezaabivaamu, eky’akabi ate ezaalimu n’eby’obufuzi awamu n’empisa ebitaali by’enfaanaanyirizo nnungi eri engeri z’ekitangaala nga bwe tumanyi kubanga bituleetedde okweyongera mu mpitambi z’ekizikiza ky’amaanyi g’ekizikiza, g’oyo amannyiddwa nga katonda w’ensi eno, olwo n’okyekkennenyeza ddala nti bweguba bwegutyo ddala enkalo z’ensi zonna matwaale g’ekizikiza sso ssi Africa, kye kiretera Yesu Kristo okuba Ekitangaala ky’ensi nga bwe ye yanjulira abaali mu Yekaalu mu biro bye mu mbaga y’ensiisira.
Wabula ate mu Yesu Kristo, obwenkanya n’ekisa we bisisinkana mu ngeri ey’ewuunyisa olw’obwakatonda bwe obuyinzisa byonna, - ky’ekitulabisa obukyaayi obuyitirivu ate n’okwagala okusukkulumu ku musaalaba nga Yesu Kristo akaaba “Katonda wange Katonda wange lwaki ondekeredde kyokka ng’amaze oggamba nti “Kitange basonyiwe kubanga tebamanyi kye bakola”. Olwo Obutuukirivu bwonna nga busisinkana obutali butuukirivu bwonna ne bubusaanyaawo, ng’ekitangaala bwe kisisinkana ekizikiza ne kiki ssaanyaawo, nga kw’ekubikkulirwa kw’enfuna mu bitugererwa leero mwebyo Yokaana Omutume mweyeyongera ottulaga Yesu Kristo okuba omwana wa Katonda, era mmu kkimanya tube n’obulamu obuttaggwaawo.
Nsaba tujjukire mu Yok.1 enny. Zino 4 – 9.[ Ng’Omusana tukitwaala okuba ky’ekimu n’ekitangaala kuba byebimu] *Tusome……….*

Bwetusoma enny. 11 ezisooka tulaba akatego Abayudaaya kebaagezaako okutega Mukama, akeekwasaganya kw’ebyo byenjogedde waggulu.*[Tusome]*.

Mu ggezaako okuleeta embeera y'ekizikiza eri omukazi eyali akwaatiddwa baayolesa ekizikiza ky'emitima gyaabwe……okumutta bakwaase Yesu naye attibwe……. nga bakozesa amateeka, Yesu geyabasinza okulaga obutuukirivu bwago nti "Gaalina kkozesebwa mu bwenkanya na mazima."

Nti oba Baleevi 20:10 awamu ne Ky'amateeka Olwk. 22:22 zigamba " N'omuntu anaayendanga ku mukazi w'omusajja omulala, anaayendanga ku mukazi wa muliraanwa we, omwenzi omusajja n'omwenzi omukazi tebalemanga kuttibwa." Ate Ky'amateeka Olwk. 13:9; 17:7 zaalagira omukono gw'oyo ajulira ataalina kibi ng'ekyo mu yye gwe gwaalina okusooka okusala omusango gw'okutta abo abaali mu nsobi eyo…….. olwo ne balumirizibwa bonna, kubanga osanga n'oyo gwe baakozesa okutegesa omukazi oyo yali mu bbo ng'akutte amayinja!

Era bwe baabuka nga balemereddwa okumwolesa ng'atakwaata mateeka ga Musa oba ng'omuyigiriza atalina kisa, era omumenyi w'amateeka g'abaruumi.

Nga ne Yesu bwaakubiriza omukazi obutayonoona nate, lwaakuba yali akitegeera nti embeera gyaabaddemu alinga asimattusse Kkunsa…., yali ng'omufu azuukidde, kyokka nga gyadda n'obufumbo osanga bwaali bukomye, awamu n'obuswaavu, okumuyitirirako, osanga y'omu ku baali basinga okweetaaga okubuulirwa kwe kwe tusoma mu nny. Oluddako 12, Mwe tujja omulamwa gwa leero…………..

Nga bwe twaamanya nti kyaali mu nkwaasaganya y'emikolo gy'okukuma kw'amataala mu Yekaalu, Yesu mwe yeyanjula gyebali mu kutuukirizibwa kw'ebyawandiikibwa mu ndagaano enkadde ku Yye okuba ekitangaala ky'ensi awamu n'eri Yisirayiri mu Isaaya 42:6; 49:6 ne 60:19 -22 muyinza ozzeesomera.

Era nga bwe twaasomye mu Yok. 1 wagguluko mu ntandikwa leero.

Naye ng'ekikulu wano kiri nti ekitangaala kirina kulabwa era ne kitambulirwaamu okugasa! Olwo bekyaakira okuba n'obulamu bwaakyo, nga y'ensa y'okumulisibwa kwakyo. Lwe tukwasaganya obulungi zabbuli 119:105, nti "Ekigambo kyo ye ttabaaza eri ebigere byange, N'omusana eri ekkubo lyange."

Lwakuba tumanyi bulungi kati nti Yesu Kristo ky'ekigambo kya Mukama….. Yok.1

Wetulabira obuzibe bw'amaaso g'Abafalisaayo ng'omutume Paulo bwe yagamba mu I Kkol. 1 ne 2. Nga bazibwa amaaso Kitaabwe baleme kulaba Kitangaala…

Bwe tusoma 13 - 18……

Yali yeemanyi ngaate tebamumanyi ate tebasobola na mmumanya…..

N’ekirala yali ng’omubaka ateetaaga kuggya namujulirwa mulala wadde mu ssuula 5 yali abamenyedde abo bonna abaali bamujulira…………
Ky’ekimweyongeza okubalabula okusalwa kw’omusango gwaabwe bwe bataamumanye n’oyo amutumye okusobola okuva mu kibi eky’ekizikiza, batambulire mu kitangaala kye.
Bwe tusoma nny.19 – 29……..

Tukiraba nti nga Yesu bwe yakolanga ebyo byonna Kitaawe bye yamutuma okkola okutuusa ottifiirira, naffe abagoberezi be bwe tweefaanaanyiriza yye nga tukola byonna byaatulagira mu kigambo kye mwe tugwaanidde okutambulira ng’abali mu kitangaala.